

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
TITO 1	TITUS 1
1:1 Pawulo, omuddu wa Katonda, era omutume wa Yesu Kristo, ng'okukkiriza kw'abalonde ba Katonda bwe kuli n'okutegeera amazima agali mu kutya Katonda,	1 Paul, a servant of God and an apostle of Jesus Christ for the faith of God's elect and the knowledge of the truth that leads to godliness—
1:2 mu kusuubira obulamu obutaggwaawo, Katonda atayinza kulimba bwe yasuubiza ebiro eby'emirembe n'emirembe nga tebinnabaawo;	2 a faith and knowledge resting on the hope of eternal life, which God, who does not lie, promised before the beginning of time,
1:3 naye mu ntuuko ze yalabisa ekigambo kye mu kubuulira kwe nnateresebwa nze ng'ekiragiro kya Katonda Omulokozi waffe bwe kiri;	3 and at his appointed season he brought his word to light through the preaching entrusted to me by the command of God our Savior,
1:4 eri Tito, omwana wange ggeregere ng'okukkiriza kwaffe fenna bwe kuli: ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Kristo Yesu Omulokozi waffe bibeerenga gy'oli.	4 To Titus, my true son in our common faith: Grace and peace from God the Father and Christ Jesus our Savior.
1:5 Kyennava nkuleka mu Kuleete, olyoke olongoosenga ebyasigalira, era oteekenga abakadde mu buli kibuga a nga nze bwe nnakulagira;	5 The reason I left you in Crete was that you might straighten out what was left unfinished and appoint[a] elders in every town, as I directed you.
1:6 omuntu w'atabangako musango, ng'alina omukazi omu, ng'alina abaana abakkiriza, abataloobwa nga balalulalu, so si abatagonda.	6 An elder must be blameless, the husband of but one wife, a man whose children believe and are not open to the charge of being wild and disobedient.
1:7 Kubanga omulabirizi kimugwanira obutabangako musango, ng'omuwanika wa Katonda; si mukakanyavu, si wa busungu, si ayombera ku mwenge, si akuba, si eyeegomba amagoba mu bukuusa;	7 Since an overseer[b] is entrusted with God's work, he must be blameless—not overbearing, not quick-tempered, not given to drunkenness, not violent, not pursuing dishonest gain.
1:8 naye ayaniriza abagenyi, ayagala obulungi, eyeegendereza, mutuukirivu, mutukuvu, eyeekuuma;	8 Rather he must be hospitable, one who loves what is good, who is self-controlled, upright, holy and disciplined.
1:9 anyweza ekigambo ekyesigwa ekiri ng'okuyigiriza kwaffe bwe kuli, alyoke ayinzenga okubuulirira mu kuyigiriza okw'obulamu, era n'okusinga abayomba naye.	9 He must hold firmly to the trustworthy message as it has been taught, so that he can encourage others by sound doctrine and refute those who oppose it.
1:10 Kubanga eriyo bangi abatagonda, aboogera ebitalimu, abalimba, era okusinga ba mu bakomole,	10 For there are many rebellious people, mere talkers and deceivers, especially those of the circumcision group.
1:11 abagwanira okuzibibwanga emimwa; kubanga abo be bavuwunika ennyumba ennamba nga bayigiriza ebitabagwanidde, olw'amagoba ag'obukuusa:	11 They must be silenced, because they are ruining whole households by teaching things they ought not to teach—and that for the sake of dishonest gain.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
1:12 Omu ku bo, nnabbi waabwe bo, yagamba nti Abakuleete balimba ennaku zonna, ensolo embi, embuto engayaavu.	12 Even one of their own prophets has said, "Cretans are always liars, evil brutes, lazy gluttons."
1:13 Okutegeeza okwo kwa mazima. Kyova oba boggoleranga n'obukambwe, balyoke babeere n'obulamu olw'okukkiriza	13 This testimony is true. Therefore, rebuke them sharply, so that they will be sound in the faith
1:14 balemenga okuwulira enfumo ez'obulimba ez'Ekiyudaaya n'ebiragiro by'abantu abakyuka okuleka amazima.	14 and will pay no attention to Jewish myths or to the commands of those who reject the truth.
1:15 Eri abalongoofu byonna birongoofu: naye abasiigibwa obugwagwa n'abatakkiriza eri abo tewali kirongoofu; naye amagezi gaabwe era n'omwoyo byasiigibwa obugwagwa.	15 To the pure, all things are pure, but to those who are corrupted and do not believe, nothing is pure. In fact, both their minds and consciences are corrupted.
1:16 Baatula nga bamanyi Katonda; naye mu bikolwa byabwe bamwegaana, kubanga bagwagwa era abatawulira era abatasiimibwa mu buli kicolwa kyonna ekirungi.	16 They claim to know God, but by their actions they deny him. They are detestable, disobedient and unfit for doing anything good.
TITO 2	TITUS 2
2:1 Naye ggwe yogeranga ebisaanira okuyigiriza okw'obulamu:	1 You must teach what is in accord with sound doctrine.
2:2 abasajja abakadde balemenga kuba batamiivu, nga balimu ekitiibwa, nga beegendereza nga balina obulamu olw'okukkiriza, olw'okwagala, olw'okugumiikiriza:	2 Teach the older men to be temperate, worthy of respect, self-controlled, and sound in faith, in love and in endurance.
2:3 n'abakazi abakadde bwe batyo mu kifaananyi kyabwe nga beewombeeka, si abawaayiriza, so si abafugibwa omwenge omungi, abayigiriza ebirungi;	3 Likewise, teach the older women to be reverent in the way they live, not to be slanderers or addicted to much wine, but to teach what is good.
2:4 balyoke beegenderezesenga abakazi abato okwagalanga babbaabwe, okwagalanga abaana baabwe,	4 Then they can train the younger women to love their husbands and children,
2:5 okwegenderezanga, okuba n'obulongoofu, okukolanga emirimu mu nnyumba zaabwe, okuba n'ekisa, okugonderanga babbaabwe, ekigambo kya Katonda kiremenga okuvumibwa:	5 to be self-controlled and pure, to be busy at home, to be kind, and to be subject to their husbands, so that no one will malign the word of God.
2: 6 n'abavubuka bwe batyo obabuuliriranga okwegendereza:	6 Similarly, encourage the young men to be self-controlled.
2:7 mu bigambo byonna nga weeraganga ng'ekyokulabirako eky'ebikolwa ebirungi; mu kuyigiriza kwo ng'olaganga obugolokofu, okubaamu ekitiibwa,	7 In everything set them an example by doing what is good. In your teaching show integrity, seriousness

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
2:8 ebigambo eby'obulamu ebitanenyezeke; oyo atali ku lulwo alyoke akwatibwenga ensonyi, nga talina kibi kya kutwogerako.	8 and soundness of speech that cannot be condemned, so that those who oppose you may be ashamed because they have nothing bad to say about us.
2:9 Buuliriranga abaddu okugonderanga bakama baabwe, okusiimibwanga mu byonna, obutayombanga;	9 Teach slaves to be subject to their masters in everything, to try to please them, not to talk back to them,
2:10 obutabbanga, naye okulaganga obwesigwa obulungi bwonna; balyoke bayonjenga okuyigiriza kw'Omulozi waffe Katonda mu byonna.	10 and not to steal from them, but to show that they can be fully trusted, so that in every way they will make the teaching about God our Savior attractive.
2:11 Kubanga ekisa kya Katonda kirabise, nga kireetera abantu bonna obulokozi,	11 For the grace of God that brings salvation has appeared to all men.
2:12 nga kitubuulirira okugaananga obutatya Katonda n'okwegomba okw'omu nsi, tulyoke tubeerenga abalamu mu mirembe egya kaakano mu kwegendereza n'obutuukirivu n'okutya Katonda,	12 It teaches us to say "No" to ungodliness and worldly passions, and to live self-controlled, upright and godly lives in this present age,
2:13 nga tulindirira essuubi ery'omukisa n'okulabika kw'ekitiibwa kya Katonda omukulu era Omulozi waffe Yesu Kristo;	13 while we wait for the blessed hope—the glorious appearing of our great God and Savior, Jesus Christ,
2:14 eyeewaayo ku lwaffe, alyoke atununule mu bujeemu bwonna, era yeerongooseze eggwanga ery'envuma, erinyiikirira ebikolwa ebirungi.	14 who gave himself for us to redeem us from all wickedness and to purify for himself a people that are his very own, eager to do what is good.
2:15 Yogeranga ebyo, obibuulirirenga, onenyenga n'obuyinza bwonna, Omuntu yenna takunyoomanga.	15 These, then, are the things you should teach. Encourage and rebuke with all authority. Do not let anyone despise you.
TITO 3	TITUS 3
3:1 Obajjukizenga okugonderanga abafuga n'abalina obuyinza, okuwuliranga, okweteekeerateranga buli kikolwa kyonna ekirungi,	1 Remind the people to be subject to rulers and authorities, to be obedient, to be ready to do whatever is good,
3:2 obutavumanga muntu yenna, obutalwananga, okwewombeekanga, nga balaga obukkakkamu bwonna eri abantu bonna.	2 to slander no one, to be peaceable and considerate, and to show true humility toward all men.
3:3 Kubanga era naffe edda twali basirusiru, abatawulira, abalimbibwa, nga tuweereza okwegomba n'ebinyumu ebitali bimu, nga tubeera mu ttima n'obuggya, abeekyayisa, era nga tukyawagana.	3 At one time we too were foolish, disobedient, deceived and enslaved by all kinds of passions and pleasures. We lived in malice and envy, being hated and hating one another.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
3:4 Naye obulungi bw'Omulozi waffe Katonda n'okwagala kwe eri abantu bwe byalabika,	4 But when the kindness and love of God our Savior appeared,
3:5 n'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola ffe wabula olw'okusaasira kwe, olw'okunaazibwa okw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abaggya Omwoyo Omutukuvu,	5 he saved us, not because of righteous things we had done, but because of his mercy. He saved us through the washing of rebirth and renewal by the Holy Spirit,
3:6 gwe yatufukako olw'obugagga, ku bwa Yesu Kristo Omulozi waffe;	6 whom he poured out on us generously through Jesus Christ our Savior,
3:7 nga tumaze okuweebwa obutuukirivu olw'ekisa kye oyo, tulyoke tufuuke abasika mu kusuubira obulamu obutaggwaawo.	7 so that, having been justified by his grace, we might become heirs having the hope of eternal life.
3:8 Ekigambo kino kyesigwa, ne ku bino njagala ggwe okukakasizanga ddala, abakkiriza Katonda bajjukirenga okussaako omwoyo ku bikolwa ebirungi. Ebyo birungi, era bigasa abantu:	8 This is a trustworthy saying. And I want you to stress these things, so that those who have trusted in God may be careful to devote themselves to doing what is good. These things are excellent and profitable for everyone.
3:9 naye empaka ez'obusiru n'ebitabo ebirimu endyo z'okuzaalibwa n'ennyombo n'okuwakanira amateeka obyewalenga; kubanga tebiriiko kye bigasa so tebiriimu.	9 But avoid foolish controversies and genealogies and arguments and quarrels about the law, because these are unprofitable and useless.
3:10 Omuntu omukyamu, bw'omalanga okumubuulirira omulundi ogw'olubereberye n'ogw'okubiri, omugaananga,	10 Warn a divisive person once, and then warn him a second time. After that, have nothing to do with him.
3:11 ng'omanya ng'ali ng'oyo akyamizibwa, era ayonoona, nga yeasalira yekka omusango.	11 You may be sure that such a man is warped and sinful; he is self-condemned.
3:12 Bwe ntumanga Atema gy'oli oba Tukiko, fuba okujja gye ndi mu Nikopoli: kubanga nteesezza okumalira eyo ebiro eby'empewo.	12 As soon as I send Artemas or Tychicus to you, do your best to come to me at Nicopolis, because I have decided to winter there.
3:13 Fuba okubasibirira Zeena ow'amateeka ne Apolo, baleme okubulwa ekintu.	13 Do everything you can to help Zenas the lawyer and Apollos on their way and see that they have everything they need.
3:14 Era abaffe bayige okussangako omwoyo ku bikolwa ebirungi mu bigambo ebyetaagibwa, balemenga obutabala.	14 Our people must learn to devote themselves to doing what is good, in order that they may provide for daily necessities and not live unproductive lives.
3:15 Abali nange bonna bakulamusizza. Olamuse abatwagala mu kukkiriza. Ekisa kibeerenga nammwe mwenna.	15 Everyone with me sends you greetings. Greet those who love us in the faith. Grace be with you all.